Ecolebooks.com

UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION

MOCK EXAMINATIONS 2016

P360/1 LUGANDA

PAPER 1

TIME: 2 ½ HOURS

**EKITUNDU A**

**Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu kino**

1. (a) Nyonnyola enkozesa y'olulimi entuufu bw'etagobereddwa mu sentensi zino:
   - (i) omwana gwange gugudde
   - (ii) musisi yeeyasimudde
   - (iii) nankya ali ggwako. (obubonero 03)

   (b)Ddamu owandiike sentensi zino nga weeyambisa nnakasigirwa ebuuza mu kifo ky'erinnya.
   - (i) Yakiguze ensimbi nkumu
   - (ii) Nsula mu kyalo
   - (iii) twamusiibula ku lunaku olwo
   - (iv) atuweerezza emmere enfumbe
   - (v) mukasa azze. (obubonero 05)

(c) Gatta sentensi ezikuweereddwa nga weeyambisa nnakasigirwa entabaluganda. Saza ku nnakasigirwa entabaluganda.

- (i) Ebintu wabirabye.Ebintu babibbye
- (ii) Ekibuuzo twakikoze . Kyabadde kyangu
- (iii) Omupiira gwabuze. Omupiira si gwange
- (iv) Abaana basoma. Bajja kuyita omusomo
- (vi) Omupiira gw'emmotoka teguliimu mukka. Tegutambula bulungi (obubonero 05)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

(d) Ebigambo ebikuweereddwa wammanga buli kimu kiggyeemu nnakongezalinnya era okikozese mu sentensi.
- (i) okubotoka
- (ii) okuduula
- (iii) okusula
- (iv) okusigula
- (v) okusenga (obubonero 05)

(e) Nyonnyola ennono y'amannya g'emyezi gino:
- (i) Gatonnya
- (ii) Ntenvu
- (iii) Kasambula
- (iv) Mutunda
- (v) Mukulukusa bitungotungo. (obubonero 05)

(f) Wandiika amaloboozi asaatu agakolebwa enkoko nga bwe gayitibwa mu Luganda. (obubonero 03)

(g) Ebikolwa bino biggyeemu ebikolwa ebiraga okwekolako
- (i) okufuula
- (ii) okumanya
- (iii) okuloopa
- (iv) okusiiga (obubonero 04)

**EKITUNDU B:**

Kola nnamba 2,3 ne 4 ng'ogoberera ebikuweereddwa.

Kola 2(a) oba 2 (b)

2. (a) Nyonnyola obulombolombo obwagobererwanga mu Buganda ku mwana okuva lw'azaalibwa okutuusa ng'awezezza emyaka musanvu. (obubonero 20)

   (b) Nyonnyola Kabaka bw'aweebwa ekitiibwa eky'ensusso ku bantu abalala mu Buganda. (obubonero 20)

Kola 3 (a) ne 3(b)

3. (a) Ku bisoko ebikuweereddwa londako bina (4) onnyonnyole amakulu gaabyo agoomunda.
   - (i) okusindira ku mmere ennaku
   - (ii) okusuuliza enkessi
   - (iii) okutengejja ng;asaba oluwanga obulamu
   - (iv) okuvuunika entamu y'omuntu
   - (v) okuba balunaayiza. (obubonero 08)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

(b) Ebisoko ebikuweereddwa bikozese mu sentensi eziggyayo obulungi amakulu gaabyo.
(i) okumira amangota
(ii) okukozesa ekintu obutaagaane
(iii) okusalirira olunywa. (obubonero 06)

**Kola 4(a) ne 4(b)**

4. (a) maliriza engero ezikuweereddwa nga bwe zoogerwa
(i) Siva we boogera ……………………………………………………………………
(ii) Oyigganga otta ……………………………………………………………………
(iii) ………………………………………tekibulako ŋŋanda. (obubonero 06)

(b) Nyonnyola amakulu g'engero ezikuweereddwa
(i) Kiriba edda mmese yak u mutala
(ii) Erya mpiteeyite si kkubo
(iii)Engabi eyeewala y'ekaluba ennyama.
(iv)Bulikuggwa,obugole si bumbejja
(v) Atunda ey'omutwe asooka kunyiga ku gugwe. (obubonero 10)

**EKITUNDU C**

**Ddamu ekibuuzo kimu ng'okiggya mu nnamba 5,6, oba 7**

**Kola 5(a) oba (b)**

5. (a) Emirembe egiriddawo girisobola okumanya ebikwata ku mulembe guno. Nyonnyola ebintu ebikulu ebitabo bya Kaswa bye birinnyonnyola abaliddawo. (obubonero 20)

**Oba**

(b) Kaswa yatuukiriza atya obuvunaanyizibwa obw'okuzimba n'okukulaakulanya eggwanga lye Buganda n'ensi ye Yuganda? (obubonero 20)

**Kola 6 (a) oba (b)**

6. (a) "Akasuka ly'ali nalyo taba muti." Nyonnyola Busuulwa bw'atuukiriza olugero luno (obubonero 20)

**Oba**

(b) Busuulwa yawandiika atya ku ŋŋoma Kawulugumo? (obubonero 20)

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Ecolebooks.com

**Kola 7(a) oba (b)**

7. (a) Nyonnyola emigaso gye tufuna mu kitabo kya Maatovu "Eddaame lya Nsimbi." (obubonero 20)

(b) Matovu ayogerwako ng'omuweereza wa Ssaabasajja atassa mukono. Lwaki kirowoozebwa kityo? (obubonero 20)

***BIKOMYE WANO.***

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM